

Ekitundu 6: Engeri y'okuvvuunuka Obubi Obuyolekedde gyoli

Enyanjula: Engeri gyolina okuyisaamu balabe bo

"Mwawulira ab'edda bwe baagambibwa nti, 'Yagalanga muliraanwa wo, naye okyawenga mulabe wo.' Naye nze mbagamba nti, Mwagalenga abalabe bammwe! Musabirenga ababayigganya!"

Bwe mulikola bwe mutyo muliba baana ba Kitammwe ali mu ggulu. Kubanga omusana gwe agwakiza abalungi n'ababi, era n'enkuba agitonnyeza ab'amazima n'abatali ba mazima. Bwe mwagala ababaagala bokka, mufunamu ki? N'abawooza bwe bakola bwe batyo. Era bwe munaalamusanga baganda bammwe bokka, munaaba mulina njawulo ki n'abalala? Kubanga ne bannamawanga bwe bakola bwe batyo.

Naye mmwe kibagwanira okubeeranga abatuukirivu nga Kitammwe ali mu ggulu bw'ali Omutuukirivu.

Yesu, Matayo 5:43-48

Okufuuka OmuKristaayo owa Abaruumi 12 SI kizibu buzibu....

...WABULA TEKISOBOKA!

Important review: The Romans 12 Christian

1. Ebiragiro ebiri mu Abaruumi 12 bye by'okuddamu by'okukkiriza kwaffe mu Abaruumi 1-11 olw'ekisa kya Katonda n'okusaasira kwe gye tuli.

2. Abakristaayo b'Abaruumi 12 essira baliteeka ku **NKOLAGANA** so si mateeka oba enkola z'eddiini.

3. Ekigendererwa ky'abakristaayo b'Abaruumi 12 eky'oku ntikko kwe **KWAGALA**.

- Okwagala Katonda okuyita mu bulamu obw'okwewaayo.
- Okugaana okwagala ebisuubizo by'ensi eby'obulimba.
- Okweyagala olw'ekyo Katonda kye yatukolera okubeera.
- Okwagala bakkiriza bannaffe nga tuyita mu buweereza obw'okwerekereza.
- Okwagala abalabe baffe nga tubasasuza bulungi mukifo ky'obubi mu ngeri ey'obwa Katonda

Okuddamu kwaffe eri ekibi mu ngeri ey'obwa Katonda:

Abaruumi 12:14-21

¹⁴Musabirenga ababayigganya; mubasabirenga so temubakolimiranga.

¹⁵Musanyukirenga wamu n'abo abasanyuka, era mukaabirenga wamu n'abo abakaaba. ¹⁶Buli muntu abeerenga mu mirembe muntu ne munne, nga temwegulumiza naye nga muba bakkakkamu. Temwekulumbazanga.

¹⁷Temusasulanga kibi olw'ekibi, naye mukolenga birungi byereere eri bonna.

¹⁸Mukolenga kyonna ekisoboka okutabagana n'abantu bonna; ¹⁹abaagalwa, temuwalananga ggwanga, era ekiruyi mukirekere Katonda, nga bwe kyawandiikibwa nti, "Okuwoolera eggwanga kwange, nze ndisasula," bw'ayogera Mukama. ²⁰"Noolwekyo omulabe wo bw'alumwanga enjala, muliisenga; bw'alumwanga ennyonta muwenga ekyokunywa, bw'okola bw'otyo olimukumira amanda g'omuliro ku mutwe gwe."

²¹Towangulwanga kibi, naye wangulanga ekibi ng'okola obulungi.

Eky'okuddamu ky'Abaruumi 12 ku bulumbaganyi obw'obuntu:

Ekiragiro Ekitukubiriza = “**MUSABIRENGA OMUKISA** abo ababayogganya.”

- Okubasonyiwa – Abaruumi 12:14
- Okubasembeza – Abaruumi 12:15
- Okukwatagana nabo – Abaruumi 12:16

Ekiragiro ekitukugira = “Towoolera nga **GWANGA**.”

- Okwesasuza kwe kuddamu okukugirwa eri abantu ba Katonda – Abaruumi 12:17-18
- Ensonga bbiri ezimatiza lwaki okwesasuza okw'obuntu kukugirwa – Abaruumi 12:19-20

1. Kiwamba omulimu gwa Katonda nga **OMULAMUZI**.

2. Ngeri etali nnungi ey'okuleeta **EMIREMBE**.

Ebivaamu eby'obwa Katonda = **OBULUNGI** bujja kuwangula obubi.

Abaruumi 12:21

Wekebere:

1. Tulina kwanukula tutya nga tulumbiddwa n'obutali bwenkanya okusinziira ku Abaruumi 12:14-21? Kino kyawukana kitya ku nsonga ez'obutakkaanya wakati w'abantu oba ensonga ez'obumenyi bw'amateeka?

2. Yesu yatulaga atya endowooza eno ey'okuwangula obubi n'ebulungi mu bulamu bwe?

Ate mu kufa kwe?

3. Muntu ki (oba bantu ki) oba mbeera ki mu bulamu bwo (eby'emabega oba ebiriwo kati) by'osinga okukaluubirirwa "okusabira omukisa" nga bwe kinnyonnyoddwa mu kitundu kino?

4. Lwaki kizibu nnyo okusonyiwa mu mazima abo abatulumya ennyo era n'okubasabira omukisa?

5. Magezi ki amapya g'ofunye agagebda okukuyamba okukola ku bubi n'obutali bwenkanya bw'oyiseemu emabega?

6. Ddaala ki erisooka lyogenda okutwaala okuwangula obubi n'obulungi?

7. Ani ayinza okukuyamba okutwala eddaala lino erisooka n'okukuuma obweyamo bwo eri Katonda?